# Aba booda bagguddwaako gwa kusobya ku bayizi nga babatwala ku ssomero

Bya STUART YIGA

KKOOTI e Mukono esindise ku alimanda abavuzi ba bodaboda babiri, abagambibwa okusobya ku bayizi be babadde bavuga okubatwala ku masomero.

Ali Ssentongo, 27, avugira ku siteegi y'oku kkamera e Kasawo mu disitulikiti y'e Mukono ne Shafik Nsubuga, omutuuze w'e Ndese be baasimbiddwa mu maaso g'omulamuzi wa kkooti Paul Matyama, ne basomerwa emisango gy'okusobya ku baana b'essomero okuli ow'emyaka 13 (asoma ekibiina ekyokutaano) ne 15, (asoma siniya eyookubiri).

Omuwaabi wa gavumenti Marvin Ninyesiga, ategeezezza nti, okunoonyereza ku misango gino kuwedde bwatyo n'asaba kkooti etandike okuwulira obujulizi.

Kyokka bo abawawaabirwa, emisango baagyegaanye nga bagamba nti, tebalina kye bamanyi ku biboogerwako.

Wano kkooti w'esinzidde okubasindika ku alimanda okutuusa March 16, 2026, lwe banaakomezebwawo okwongera okusomerwa emisango egibavunaanibwa.

Kitaawe w'abaana agamba nti Ssentongo, baali baamwesiga okuvuga abaana baabwe okubatwala ku ssomero, nga kizibu okumuteebereza nti ate y'abadde abakabawaza n'atuuka n'okubatunuza mu mbuga ya sitaani ku myaka emimpi gye balimu. Yagambye nti yeewuunyizza nnyo Ssentongo, okugattika abaana be n'atakoma ku ekyo n'abafunira ne mikwano gye mu ngeri ey'ettima.



Ali Ssentongo (owookubiri ku kkono), Juma Mukiibi Shafik Nsubuga (ku ddyo) ku kkooti e Mukono.